Temuwasa bawala Baganda’

Posted by omumbejja - 2007/08/29 02:59

_____

OMUMYUKA wa Sipiika wa palamenti, Rebecca Kadaga alabudde abavubuka Abasoga okukomya okuwasanga abawala Abaganda kubanga babalemesa okukulaakulanya Busoga. Kadaga yagambye nti buli Musoga yenna eyawasa omukyala Omuganda enkulaakulana yaabwe esinga eri mu bitundu bya Buganda ekizzizza ennyo Busoga emabega.

Bya Musa Balikoowa

==========

Re:Temuwasa bawala Baganda’

Posted by Heidi - 2007/08/29 05:26

_____

Heheeeheee kakati sipiika "frus" ye ne Kivejinja ate egirese ku bawala Baganda? Hahaaaa... owange bino bizibu! Abaami abasoga abalina abakyala abaganda banaffe mututanganzeko wano.

Abange nze kulwange nsubira kino kiva mundowoza ya muntu era bwagaziki bwalina eri abantu bba gyazalibwa. Oba olyawo ne'nkolagana eri wakati waabwe.

==========

Re:Temuwasa bawala Baganda’

Posted by luutu26 - 2007/08/29 10:41

_____

Ebyo byonna bimala okulaga nti dala ba kadaga lwabutawagira federo naye bajagala buligwanga lidde ewalyo ffe abaganda tuwalwana amawanga amalala lwaki buganda teyekutula ku uganda

==========

Re:Temuwasa bawala Baganda’

Posted by chamu - 2007/08/29 14:13

_____

Waliwo ebirango byentera okusoma mu Bukedde nga bigamba nti:

"Ndi muwala (oba mulenzi) wa myaka 20 nasomako okutuuka mu university. Noonya anampasa mutwale mu bakadde bange. Nze sifa ku ggwanga na ddini kasita aba nga alina sente, omulimu omulungi era nga yevuga, ndyooke mulage amapenzi". Imagine!

Bannange abawala abaganda, muve ku bamawanga olwokuba bevuga. Awo oba ofumbiddwa motoka. Musigale ku baana bannamwe abaganda. Nnamwe abalenzi bwemutyo. Mutegeragana endowooza, olulimi, obuwangwa. Sente mujja kuzikola mwenna, era mwevuge. Ekikulu mpisa nabugumikiriza.

Kituufu wayinza okusibukawo omukwano nga osisinkanye munnamawanga, naye sooka webuuze, nti ddala guno mukwano oba lwakuba alina ku ssente?

Kadaga awo ayogedde bulungi. Abantu abamu bayinza okukiyita okusosola, naye ssiraba nsonga lwaki eggwanga ate linayiiza abamawanga amalala. Okwo kwekuzaala abaana abalina obuzibu mu society, nga balina identity crisis - eno tebajaayo, neeri tebajaayo. Ate oluusi olumala okuzaala abaana, n'obufumbo nebufa.

Nze ndabye abawala abawerako abettanidde eggwanga eritufuga mbu kuba "wewali ebifuna". Kubiseera bya Amin, abaana abaganda abawala abamu bettanira nnyo abanubbi, mbu kuba "mama, bebalina ku ssente". Kati mulabe abaana (half-baganda)abazaliddwa mu bisanja ebyo byombi - ekya Idi Amin (9 years) n'ekiriwo kati (20 years).

Abaganda musigale ku baganda, n'abasoga musigale ku basoga, and so on.

==========

Re:Temuwasa bawala Baganda’

Posted by Meli - 2007/08/29 15:15

Kagada said;

OMUMYUKA wa Sipiika wa palamenti, Rebecca Kadaga alabudde abavubuka Abasoga okukomya okuwasanga abawala Abaganda kubanga babalemesa okukulaakulanya Busoga

Bbo abakyala Abasoga, nga yye Kagada yenyini, bbo nga tabogeddeko? Bbo bagende mu maaso nokufumbirwa abasajja baffe Abaganda? Nze ndowooza ekyokukulakulana ssi kyekyandibadde ekikulu, mu nsonga eno. Wabula olwokubanga amawanga tegalina bulungi kutegeragana, tewali mukwano wakati waago, nze ndowooza ebintu ebikolebwa mu mbeera bwetyo, kabube bufumbo, kakubeere kuzaala baana, biberako ekitatuuse. Ate era ekyo bano bennyini ba kabikola bebasoka okukitegeera. Awo wolabira nti bbo abasajja abamawanga amalala mu Uganda, bajja nebazaala abaana eno mu Buganda naye baddangayo nebawasa omukyala owa mawanga gaabwe era nebamuzaalamu abaana abaali pure mu mawanga gaabwe. Eno kyebava abamu ate basigayo obukyaayi, mu baana bebazaala mu Baganda. Nebabagamba nga bwebabasosola, era nga bwebatayagalwa. Ate Abaganda yadde balaba ebyo, naye nebakkiriza okukozesebwa mu ngeri eno. Omulundi guno abasajja bebasinze okuwasa ekisanja kino, ate abaana nebarekera abakyala abo nebabasiwa ebigambo byonna byebagala. Nomala omusanga n'omugamba ko nga anyiiga.

Naye nze nga mmanyi nti njogera mazima, tekinnumya, era nzirangamu bwenti, "Tuleme kusigira baana baba nnaffe abazadde abaana Abaganda mu Baganda, nebabayigiriza n'Obuganda nsigo za kubakooyesa gyebujja. Tuli baddembe okufumbirwa , okuwasa nokuzaala gyetwagala, naye ssi kituufu okuba nti tutegedde ffe tetulye, tunie mu kibya. Tonia mu kibya, olwokuba ggwe tolye!!!!!"

==========

Re:Temuwasa bawala Baganda’

Posted by omumbejja - 2007/08/29 17:40

Kosembezzayo Meli sikategedde naye tugendele awo. Kadaga kyategeeza nti abawala abaganda bebawasa abasoga kyebava babagamba nti tolina amma gyontwaala, nsigala wano naye lwaaki teyasokela ku munne Spesioza ngatanalandukila wala ? naye ekyo kikola bulungi bwakyogera namawanga amalala kyegalina okwogera, kuba singa Muganda yeyakyogedde singa oluyiila lukutte.Ekyo kye bayita okwebuzabuzabuza nga fuka anaaba, yeeyo Federo gyetwogerako naye bannafe balabika balwaawo nnyo okugwa munsoonga.Kyatamanyi nti elyo ssanyu lyaffe okusigaza abantu baffe abaana ba Nakalaama bakomewo kuba abazzukulu bonna abetaaga, tuddemu tuzimbe Obuganda

==========

Re:Temuwasa bawala Baganda’

Posted by Meli - 2007/08/30 21:00

Nze mpulira abantu eno ebweeru abagamba nti okufumbirwa nokuzaala mu munna Uganda owe ggwanga eddala, kisinga okuleeta omuntu wensi endala eya Africa. Kubanga abaana bwebagenda mu Uganda babeera Baganda kyokka. Tebabeera na confusion yonna ku nsonga yonna kubyaliwo nebiriwo mu nsi eno. Tewali nakwebuza ludda ki kwebali mu kukulakulanya ne byonna.

==========

Re:Temuwasa bawala Baganda’

Posted by Kalibattanya - 2007/09/01 08:34

Kyogamba Meli ndowooza tekitegerekese bulungi. Bangi bagamba nti kisinga nnyo okufumbirwa nokuzaala mu mw'Africa owe nsi endala, okusinga omunna Uganda atali wa ggwanga lyo. In fact, n'omuzungu asinga. Kubanga zino conflict eziri mu Uganda tezirimu magezi ate zigaanye okuggwa. Ensonga ya beeru nabaddugavu wakiri eyogerwako. Wano ebya Uganda tewali ggwanga lyaali lizukukidde mazima, buli omu akyafa ku ssoowani ye, obutuufu basenda eri. Ebyo bitereere ddi omwana alyoke yetaaye? Lwaki nga munnange muteeka wakati mu lwokano?

==========